# Nsobola ntya okufuna Okwagala n'okusonyiwa kwa Katonda?



## Nsonyiyibwa ntya? Obuzibu bwange obw'okulumirizibwa bugonjoolebwa butya?

### Ekibuuzo kyaffe leeero

- **Kiki ekivaako okulumirizibwa?**
- **Lwaki omuntu awulira ng'ogumusinga awatali kusingisibwa kwa ddala?**
- **Lwaki okununulibwa okuva mu kwonoona kyetaagisa okufuna essanyu ?**
- **Ngeri ki esinga okugyawo okulumirizibwa ekibi?**

## *Mukwano Andrew ,**

**Okusonyiyibwa kuvaamu ki?** Dr. Jack Winslow, Akulira eddwaliro erijanjaba endwadde z'ebirowoozo mu England, yagamba: "Singa abalwadde bange bafuna okukakasibwa nti basonyiyiddwa, n'enkya mbeera nsobola okusiibula abawera amakkati g'omuwendo gwabwe gwonna."[1] Mukwogerako nabo kivaayo bulungi nti: Okulumirizibwa ekibi kivaavo obulwadde. Abakugu bateebereza nti ebitundu okutuuka ku 80% eby'endwadde birina ensibuko okuva mu bwongo. Ekituufu kiri nti: obulwadde bw'obwongo bweyongerera ddala.

[1] J.E. Adams, Ennyingo z'okubuulirira kwa Bayibuli (Brunnen-Verlag) p. 191

### Nze? – Gunsinga?

'Nze nina n'ekinnumiriza? Buli kimu mu bulamu bwange kiri bulungi.' Bayibuli egamba: *"Buli kkubo ery'omuntu ddungi mu maaso ge ye,, naye* **Mukama** *apima mitima."* (Engero 21:2 NKJV) **Kyokka kye tusobola kwe kwewala okutunula mu mbeera zaffe.**

Bwe tulowooza ku kulumirizibwa, tufuna birowoozo ki era tuwulira tutya? Okulumirizibwa kuno kusobola okuleeta okuzitoowerwa. Tusobola okutya nti ebintu ebyo ebitukwasa ensonyi bijja kumanyibwa. Ye, okulumirizibwa kutuleetera okutya – kusobola okwonoona obulamu bwaffe, essanyu lyaffe n'okusaanyawo obulamu. Naye tusobola okufuna obuvumu. **Okulumirizibwa ekibi kwonna kusobola okutugyibwako.** Katonda yagamba: *" Ebibi byammwe ne bwebiba ng'olugoye olumyufu, binaaba byeru ng'omuzira."* (Isaaya 1:18 NKJV)

Buli omu ayinza okumanya: Nsobola okubeera ow'eddembe okuyita mu kisa kya Katonda, kubanga Yesu yasuubiza: *" Kale omwana bw'alibafuula ab'eddembe,muliba ba ddembe ddala.* (Yokaana 8:36 NKJV) Kino kisobola okutuukawo, kati mu kusaba. Okusaba okwemirundi egiwerako ne by'oyinza okukozesa biteereddwamu. Okusookera ddala, twagala okujjukira nti: Yesu muwanguzi. Naffe ayagala okutuwa obuwanguzi.

*Erinnya lino lyalondebwa okutujjukiza oyo ow'omubayibuli, eyatwala mugandawe Peetero eri Yesu (Yokaana 1:40-42).

## Katonda ky'ayagala eri obulamu bwaffe

Abantu bangi beettisse emigugu, nga okulumirizibwa ekibi, ebiwundu, emize, n'okwelaguza. Kino kirumya obulamu, okubeera obulungi n'enkolagana n'abantu banno. Kino ssi kwe kwagala kwa Katonda gyetuli. Yesu yagamba: *"Nze najja zibe n'obulamu, era zibe nabwo mu bungi."* (Yokaana 10:10b NKJV) Kino kyetaaga:

1. Nti sseettikka migugu egy'ebiseera ebyayita. Yesu yagamba: *"Mujje gye ndi , mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa nange nnaabawummuza."* (Matayo 11:28 NIV) Mu kwagala kwa Katonda okutenkanika ayagala kugyawo emigugu gyonna. Tetulina kubeera na bizibu byonna eby'edda.
2. Nti sirina kweraliikirira binajja mu maaso. *"Nga mumusindikira nga ye okweraliikirira kwammwe kwonna, kubanga ye ateeka ku mwoyo ebigambo byammwe."* (1 Peetero 5:7 NIV) Katonda mwetegefu okutulabirira.
3. Nti mbeerewo kati, leero, mu mukwano naye era nyambale amaanyi ge. *" Kale temwelaliikiriranga bya jjo, kubanga olunaku olwa jjo lulyeraliikirira ebyalwo. Buli lunaku luba n'emitawaana egirumala."* (Matayo 6:34 NIV) *"Abawe mmwe ng'obugagga bw'ekitiibwa kye bwe buli, okunywezebwa n'amaanyi mu mwoyo gwe mu muntu ow'omunda."* (Abaefeso 3:16 NIV)

Oluvvanyuma, tujja kutunuulira ku ky'okulabirako eky'okulumirizibwa okw'obulabe. Omuntu akwatibwako ku kino yayita mu kuboonaboona okutagambika okuva ku kulumirizibwa kwe okw'ekibi. Ate oluvvanyuma omulundi gumu yasumululwa era yali mukakafu nti yali asonyiyiddwa. kulumirizibwa kuno okugeeragееranyizibwa ku kookolo. Kookolo - okulumirizibwa – Kusobola okukula nga tomaanyi oba kusobola okuleeta okulumizibwa okw'amaanyi. Naye waliwo Omusawo omulungi. Yesu ye musawo ow'ekitalo asobola okuwangula kookolo – okulumirizibwa. Yatugamba: : *"Kale omwana bw'alibafuula ab'eddembe, muliba ba ddembe ddala."* (Yokaana 8:36 NIV) Obuwanguzi bwa Yesu ku buli kizibu!

## Ekibi kye ki? Kiki ekireeta okulumirizibwa?

Bayibuli eyamba: *"Buli muntu yenna akola ekibi n'obujeemu, era ekibi bwe bujeemu."* (1 Yokaana 3:4 NIV)

Ekyo kitegeeza bujeemu. Amateeka ga Katonda, amateeka ekumi, gesigamizibwako amateeka n'ebiragiro bingi eby'abantu (mu mawanga, abazadde, nebirala.) bwe wabaawo okusatuuka, okulumirizibwa kujja. Tekiriiko oba nga omuntu akkiriza Katonda ne Bayibuli oba nedda. Mu njogera eyakaco kano: twatondebwa bwe tutyo. Bayibuli ekibi ekiyita "obujeemu", "okuyeekera" "oba okukuba ebbali". Ebirala ebinyonnyola ku kibi bye bino: "obutakkiriza", "obuteesiga" oba "okuwaba okuva ku kkubo etuufu. Ekibi kye kivaako okulumirizibwa.

Ekizibu ekimu kiri nti omuntu asobola okumanyiira okukola ekibi nga bw'omanyiira omukka omubi. Baba tebakyakitegeera ng'ekibi. Na bwekityo, bangi balowooza: siri mwonoonyi, ndi muntumulamu! Naye, Bayibuli egamba: *"Bwetwogera nga tetulina kibi, twekyamya fekka so nga n'amazima tegali mu ffe."* (1 Yokaana 1:8 NIV) Ye, awatali kutaliza tuli boonoonyi .

[2] Kigyiddwa mu Kurt Hasel "Mit Gott fernsehen", *Drei Schritte zum Himmel,* (Ravensburg 1965)

## Waliwo njawulo ki mu makaati g'ekibi n'okulumirizibwa ekibi ?

"Ekibi kiri mu byayita. Waliwo ekiseera we tweyisiza obukyamu, netukola obutali bwenkanya …..era bwe tutyo netwelumiriza ekibi. **Ekibi kitwala banga ki?** Obubbi, obwenzi oba okwejaajamya kutwala banga ki? Kitwala eddakiika ntono, kale essaawa emu; mu buli ngeri, ekiseera ekibi mwe kikolerwa kimpi mu kugerageranya.

**Okwonoona kutwala banga ki?** Okwonoona kubeerawo mu biseera ebiriwo – tukosebwa ebiva mu bibi byaffe – oluusi obulamu bwaffe bwonna. Ekitubetenta okusinga si kye kibi, ekikolwa ekikyamu, ekyo ekyatuukawomu kaseera akatono – tukosebwa ebyo ebiva mu bibi byaffe, tukosebwa ebyonoono , emigugu. Amawulire amalungi gali nt: Yesu Kristo Takoma ku kutusonyiwa bibi byaffe – ekibi kyange "kyamubetenta", ku muwendo gw'obulamu bwe. Yesu yekka y'alina obusobozi okujjawo ebyonoono mu bulamu bwange."[3]

## Kiki ekisobola okuleeta Okwonoona?

- Yesu yatulaga nti ekinyusi ky'ekibi kiri: *"Olw'ekibi kubanga tebanzikiriza nze."* (Yokaana 16:9 NIV) Ekyo kitegeeza nti ekinyusi ky'ekibi kwekubeerawo awatali kwesigama ku Katonda. Katonda ayagala okututangira ekibi (1 Yokaana 5:18). Obulamu omutali katonda – awatali kwewerayo ddala gyali n'eri amaanyi ge g'awa – biddirirwa birowoozo, eneeyisa n'ebikolwa by'ekibi. Bangi tebesiga Yesu mu butamanya oba kubanga baamutegeera bubi. Ku by'okwewaayo eri Katonda, Nange nalina ekizibu okutuusa Lwe nategeera okwagala kwa Katonda. Awo, namukwasizaawo obulamu bwange. Leero nsiima olw'emyaka egy'okuluŋŋamizibwa kwe.
- Okwonoona era kuva mu butali bwenkanya – ng'oli mu kukola ekintu ekikyamu
- Okwonoona era kuva mu kulagajjalira okukola ekintu ekituufu – mu butafaayo n'otakikola.
- Okwonoona era kuleetebwa okukozesa okuddiza ekitasaanidde. Ekyo kitegeeza: nyanukula obutali bwenkanya, nkosebwa oba ndowooza nti nkoseddwa, n'obutali bwenkanya – nga nsinziila ku kigambibwa: ninya nkulinye, okuwoolera eggwanga.
- Okwonoona era kuva mu butasonyiwa butali bwenkanya bwakutuusibwako. Yesu yagamba mu ssaala ya mukama waffe: *"Otusonyiwe amabanja gaffe ,nga naffe bwe tusonyiwa betubanja."* (Matayo 6:12 NKJV) *"Awo bwe munaayimiriranga nga musaba, musonyiwenga, bwe mubanga n'ekigambo ku muntu; ne Kitammwe ali mu Ggulu abasonyiwe ebyonoono byammwe,."* (Makko 11:25 NKJV) Kino nja kukiwandiikako okusingawo ku mulundi omulala.[4] Wayinza okubeerawo omuntu alindiiridde ekisonyiwo okuva gy'oli. Asobola n'okubeera owa famire yo.

[3] Kurt Hasel, *Zauber des Aberglaubens,* 17. deutsche erweiterte Au age 2007 (New Start Center, Raich), p. 74

[4] Ebbaluwa eri Andrew 17: Olina ekiruyi ku muntu yenna? Okuwa ekisonyiwo – okusonyiwa kusumulula abantu abo bombi.

## Okuwulira okulumirizibwa okwonoona kubeerawo kutya?

Okuwulira okulumirizibwa ke kabonero akalabula. Akabonero kakubagulizaako okwetegereza embeera!

Waliwo okuwulira okulumirizibwa ekibi okwaddala n'okutali kutuufu. Okwaddalakuva mu kusobya amateeka ga Katonda; wano okulumirizibwa n'okuwulira okulumirizibwa bigendera wamu.

Waliwo okuwulira okulumirizibwa ekibi awatali kikulumirizibwa kituufu. Eky'okulabirako, waaliwo etteka ly'ekkanisa, eryali terikkiriza muntu yenna kulyanyama ku lwokutaano. Abaakikola bangi baafuna okulumirizibwa. Naye nga tewaali kulumirizibwa kutuufu, kuba tewali teeka lya Katonda lyamenyebwa.

Okununulibwa okuva mu kulumirizibwa n'okuwulira okulumirizibwa kyetaagisa ku lw'obulamu, essanyu n'enkolagana zaffe.

## Nkola ki gye tuyitamu okukola ku kulumirizibwa n'okuwulirira okulumirizibwa ekibi?

**Okukyusa engeri gye tulabamu ebintu:** Abamu bagezaako okwetakkuluza ku kulumirizibwa n'okuwulira okulumirizibwa nga bayita mu ngeri gye balabamu ekituuufu n'ekibi. Mazima ffena tukuze tukiyiga nti okulimba kibi. Naye nno omuntu asobola oku kyeteekamu nti waliwo embeera esobola okubaawo ng'okulimba kwetaagisa.

Nabwekityo, kisoboka okuba nti okuwulira okulumirizibwa kusobola okubulawo. Kugenda wa? Mu birowoozo byaffe eby'ebuziba. Nga kuli eyo gye kweyongerera okulola omulimu gwakwo ogw'okwonoona. Bwetukola kino emirundi egiwerako, tuba tujja kusasula omuwendo omunene, kubanga tuba tetujja kusigaza mulamwa kwe tutambuliza obulamu bwaffe. Enkola eno tereetawo kusumululwa kutuufu.

Ekyo kiba kityo okujjako, singa eneeyisa yange ebeera yesigamye ku ndowooza etali ntuufu. Mu bintu ebikwata ku ddiini, mutera okubeeramu okuwurira okulumirizibwa ku lw'amateeka ag'obuntu awatali kibi kituufu kirumiriza. Eky'okulabirako, mu nzikiriza emu omukkiriza kimukkatako okusaba mu budde obwagerwa mu lunaku. Batono abatuukiriza kino. Naye buli alemererwa, awuliranga azizza omusango, newankubadde tewali musango gw'abeera azizza, kubanga tewali tteeka bwerityo mu mateeka ga Katonda.

Tusobola okufuna okulumirizibwa okusinziira ku ngeri gye twakuzibwamu, kubanga bazadde baffe tebatwawulira mu makkati g'amateeka ga Katonda n'ag'abantu. Kino mu ndaba ey'enjawulo kitulaga nti kyamugaso nnyo okwenywereza ku kigambo kya Katonda. Amateeka g'abantu galiwo kuzitoowereza bulamu bwaffe.

Yesu yagamba: *"Naye bansinziza bwereere, nga bayigiriza amateeka g'abantu."* (Makko 7:7 NKJV)

Katonda takkirizangako muntu yenna kwongera oba okutoola ku mateeka ge. *"Ntegeeza buli muntu awulira ebigambo eby'obunnabi obw'ekitabo kino nti omuntu yenna bw'ayongerangako ku byo, Katonda alyongerako ku ye ebibonyoobonyo ebiwandikiddwa mu kitabo kino; era omuntu yenna bw'aggyangamu mu bigambo eby'ekitabo eky'obunnabbi buno, Katonda aligyako omugabo gwe ku muti ogw'obulamu, ne mu kibuga ekitukuvu, ebiwandiikiddwa mu kkitabo kino.* (Okubikkulilwa 22:18-19 NKJV) Amateekaga Katonda gategeerekeka era nga galaga omukwano gwe. Amateeka ge malungi, gaddala era gakola ekigero ky'obulamu ekituufu.

**Okufufugazza:**

Enkola endala abantu abangi gye bakozesa okweggyako okulumirizibwa kwe kufufugazza. Kino kitegeeza okutta oba okusanyalaza okulambikibwa kw'emeeme yaffe. Kisoboka okuba nti okulumirizibwa kwaffe okw'ekibi kusobola okuvaawo okuyita mu nkola eno. Naye okulumirizibwa kuno kusigala era kugenda mu maaso n'okukosa ebirowoozo byaffe eby'ebuziba. Kusobola okulabikira mu kutya, mu mabwa g'omulubuto , mu puleesa, mu butalya bulungi oba mu kunywa omwenge. Ng'etteka, ensibuko y'ekizibu eba tekyalabika, kubanga yafufugazibwa era mu kiseera ekyo okuwona, okugyawo ebirowoozo ebibi n'ebikolebwa ebibi, tekisoboka.

Ekirala ekibeerawo: Enkola eriwo okulabula, emeeme yange, eyo entegeeza nga gunsinze, ekoseddwa. Ekyo kitegeeza enkola yange erondoola okulaba ekituufu n'ensobi mu bulamu bwange esanyalaziddwa oba esanyiziddwawo. Na bwekityo, okukula kwange okufuuka omuntu omukulu era ow'obuvunaanyizibwa kutataaganiziddwa oba kusaanyewo.

Obubonero obulabula busobola okugyibwako okuyitira mu butabufaako, okububuutikira n'okubusanyalaza; era busobola okugyibwako okuyitira mu kulaba ebisanyusa oba okukola oba obuweereza eri abalala.

**Okwejjusa:**

Enkola endala abangi gye bagezaako, kwe kwegyako okulumirizibwa kwabwe nga bejjusa. Bangi basuubira okwetakkuluza ku kulumirizibwa kwabwe nga bayita mu kutegeera ebibonerezo oba okukola okwenenya. Ekyo ne bwe kikolebwa, okulumirizibwa ekibi kusigalawo. Katukitwale nti omuntu akubbye €100.. Alina okulumirizibwa kw'ekibi. Bw'atyo, awaayo sente okuduukirira mu Red Cross. Olwo kiba kiwedde? Gwe ng'abbiddwa kino kikumatiza? Ekyonoono kivudewo Nedda! Kyetaagisa okuzaayo €100 enzibe. Kino kikola ekitundu ku kununulibwa okuva mu kwonoona. Okulumirizibwa kwange okw'ekibi kuvaawo, enkologana ey'obwesige n'abbiddwa ebadde ekoseddwa bw'edawo okuyita mu kwogera mu bulambulukufu n'okukakasa nti ndi mwesigwa. Okwonoona kulina kye kukola mu kusaanyawo obwesige. Ku ngulu, okulumirizibwa kwe kumenya amateeka, naye mu byaddala, kwe kubeera nga gukusinga eri abantu abalala. Kwe kulumirizibwa obutayagala Katonda ne muliranywawo.

Okwenenya n'okusonyiyibwa kiriko kye kikola mu kuzaawo obwesige. Ensonga eno tujja kugiddira oluvvanyuma.

**OKWEKWASA:**

Okwekwasa y'engeri endala. Nakola ko okumala akaseera ng'omubuulizi mu kkomera. Nalabiriranga abasibe mu kkomera ely'amaanyi mu by'okwerinda. Abo bokka abasibe "ab'omutawaana" be babeera mu kkomera ery'ekika kino. Ekyanewuunyisa kwe kuba nti kumpi buli omu yali yeraba nga gwebasibira obwemage era atalina musango

Omusango baaguteekanga ku bataata babwe, ba maama, amakampuni oba engwanga. Ekizibu kiri nti bwe tuteetikka buvunanyizibwa ku bikolwa byaffe, tetuyinza kusumululwa ku kwonoona.

Bangi bagezaako okwegyako okulumirizibwa n'okuwulira nga gubasinga nga bayitira mu kwekwasa abalala. Eno nkola yadda. Adamu ne Kawa baagikozesa. Okwekwasa omuntu omulala kirabika nga engeri ennyangu ey'okwewala okutwala obuvunanyizibwa. Kale okuwulira okulumizibwa ekibi kusobola okuba nga kuvuddewo, naye eky'okuba nga gukusinga kisigalawo ate nga kyeyongeddeko obutali bwenkanya obw'okuvunaana omuntu omulala. Ebiva mw'ebyo birabikira mu mpisa, mu bulamu ne mu nkwatagana n'abantu abalala.

**Mukufunza:** Enkola zino za kigumaaza era tezigonjoolera ddala kizibu kino. Kubanga okulumirizibwa kusigalawo era ne kukosa empisa n'obulamu nga kookolo. Ekitundutundu ku bantu abangi kirwadde era balina obulamu bwa kitundu. Okulumirizibwa ekibi okutagonjoleddwa kulina omukono mu kino. Neebaza omusawo Dr. Winfried Müller, Eyatusongera (ekibiina ky'Abasumba) ku kakwate kano ak'amaanyi akaliwo. Abasawo b'obwongo ekizibu kino eky'okulumirizibwa ekibi n'ebikivaamu baabiraba bulungi. Naye sayaansi talina mpenda ey'okukigonjoola eyannamaddala

## Nkola ki entuufu omuntu mw'ayita okusumululwa okuva mu kulumirizibwa?

Ssekabaka Dawudi yayenda ku Basheba. Yafuna olubuto. Mu kugezaako okukweka ebyavaamu, Dawudi yapanga okutemula Yuliya bbawe mu lukujjukujju. Enteekateeka eyo yakola. Dawudi yeewala okukkiriza nti gumusinga. Annyonyola byeyayitamu mu kiseera kino:

*"Aweereddwa omukisa asonyiyiddwa ekyonoono kye n'ekibi kye kikwekeddwa. Aweeereddwa omukisa Mukama gw'atabalira butali butuukirivu. Ne mu mwoyo gwe temuli bukuusa. Bwe nnasirikanga, amagumba gange gaakaddiwanga, olw'okukaaba kwange obudde okuziba. Kubanga emisana n'ekiro omukono gwo gwanzitowereranga. Amazzi gange ne gakaliranga ng'olw'omusana gw'ekyeya. Ne nkwatulira ekibi kyange, n'obutali butuukirivu bwange ne sibukweka; nayogera nti Mukama naamwatulira ebyonoono byange; Naawe n'onsonyiyiwa obutali butuukirivu obw'ekibi kyange."* (Zabbuli 32:1-5 NKJV)

Enkola y'okusumululwa entuufu enyonyoddwa mu nnyiriri zino. Dawudi yakkiriza ekibi kye. Olubengo oluzito lwasuulibwa okuva ku bibegabega bye. Oyo yenna alina okulumirizibwa ekibi, ategeere nti Okusonyiwa okw'okwagala kwa Katonda kumulindiridde awatali budde bwonna bwa kulinda. Kubanga ekigambo kya Katonda kitugamba: *"Nsangudde ebyonoono byo ng'ekire ekiziyivu, n'ebibi byo ng'ekire;: komawo gye ndi; kubanga nakununula."* (Isaaya 44:22 NKJV)

Engeri yokka Dawudi gye yali ayinza okusumululwa okugyibwako olubengo kwe kukkiriza obuvunaanyizibwa bw'ekibi kye. Naffe kino kye tulina okukola. Tetulina kutwala budde mu kutereeza bintu bino awali obuyambi bwa Katonda n'okusumululwa. Singa tufuna okuzitoowererwa mu kukola kino, ekintu kyokka kye twetaaga okukola kwe kusaba obuyambi bwa Katonda mu ssaala. Jjukira: *"Bwe twogera nga tetwonoonanga, tumufuula mulimba, so nga n'ekigambo kye tekiri mu ffe."* (1 Yokaana 1:10 NKJV) Tusobola okusaba:

## Essaala ey'okukkiriza obuvunanyizibwa

Nkusaba osabe essaala eno ng'oyatula. Mu ngeri eno, tusobola bulungi okunnyikira mu yyo. Ebikwata ku byawandiikibwa mu Bayibuli ebiri mu bukomera tebyetaga kuteekebwa mu ssaala. Nkulagirire okukola kino mu ssaala zo zonna?

**Essaala**

**Katonda ow'amaanyi, Kati nkiraba nti nkaluubirizibwa okukkiriza okulumirizibwa ekibi. Nkimanyi nti okukaalubirizibwa kwange kukyamu era kino nkyenenya ng'ekibi. Nsonyiwa. Nzikiriza nti osobola era oyagala okunsonyiwa. Nkusaba okusinziira ku bisuubizo byo, "Kale Omwana bw'alibafuula ab'eddembe, muliba ba ddembe ddala." (Yokana 8:36 NKJV) nti onsonyiwe olwokukalubirizibwa kwange era okunzigyemu. Nzikiriza nti kino okisobola era oyagala okukikola. nkutendereza era nkwebaza nti kino okikoze. Nkusaba onyambe nsobole okukola okwenenya okw'amazima kati awatali kinkugira. Ekigambo kyo kigamba: "Kubanga Katonda yakoza mu mmwe okwagala n'okukola, olw'okusiima kwe okulungi." (Abafiripi. 2:13 NKJV) n'olwekyo, nkwebaza nti kati ompadde obuvumu. Nkutendereza era nkwebaza, kitange mu ggulu. Amiina.**

## Ekkubo erikutwala mu kusonyiyibwa

Twagala okwetegereza ekkubo ettuufu erikutwala mu kusonyiyibwa:

*"Aweereddwa omukisa asonyiyiddwa ekyonoono kye n'ekibi kye kikwekeddwa."* (Zabbuli 32:1 NKJV) Essanyu lyaffe, obulamu n'enkolagana n'abantu bannaffe ekitundu ku bbyo kiva mu kufuna okusonyiyibwa okw'okulumirizibwa ekibi. Ku lw'okwagala kwa Katonda tuyinza okufuna obulamu obw'essanyu, obw'embavu awatali kulumirizibwa kibi. Njagaliza buli omu essanyu ery'okufuna kino.

*"Awereddwa omukisa Mukama gw'atabalira butali butuukirivu. Ne mu mwoyo gwe temuli bukuusa."* (Zabbuli 32:2 NKJV) Katonda tagamba nti: "Byerabire!" oba "Ekyo ssi kibi nnyo!" oba "Omulundi ogumu gwenkana atakoledde ddala!" Nedda: okulumirizibwa ekibi weekuli. Naye takyakutuvunaana nate.

## Obutavunaanibwa kusingisibwa musango? – Kisoboka kitya?

Yesu bwe yagenda ewa Yokaana omubatiza okubatizibwa ng'annyikibwa mu mazzi mu mugga Yolodaani, Yokaana yagamba:

*"Laba! Omwana gw'endiga gwa Katonda ogugyawo ebibi by'ensi!"* (Yokaana 1:29 NKJV)

Yesu yawaayo obulamu bwe nga ssaddaaka ku musalaba okutugyako omusango gusingisibwe yye. Kino kyakolebwa buli muntu eyesiga Yesu: *"Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka buli muntu amukkiriza aleme okubula , naye abeere n'obulamu obutaggwaawo."* (Yokaana 3:16 NKJV)

Okwesiga Yesu kitegeeza okuyingira enkolagana eya nnamaddala naye n'okumugoberera. "Enkolagana ey'obuntu ne Yesu kya kitiibwa kya maanyi era kye kintu ekisinga omuntu ky'asobola okutuukako, omuntu ky'asobola okufuna." [5]

Katonda kwagala. Kino kituleetera okukkiriza n'okwesiga Yesu Kristo.[6] Yesu yagyawo ebyonoono ebyabuli eyakkiriza okutwala okwagala kwe. Ekyo kitegeeza ebyonoono byaffe byamuteekebwako era tebikyatuliko.

Omulenzi bw'akuba omupiira ne gwasa eddirisa, mazima asonyiyibwa era kitaawe alisasulira eddirisa eppya. Kino kirimu essomo ekkulu, ani ayambalana n'ekyonoono – Kitaawe – alina okusasula, ekyo kitegeeza nti y'alumizibwa. Oyo yenna agyawo ekyonoono, alumizibwa ebikirimu. Yesu asobola era ayagala okutusonyiwa. Yabonyabonyezebwa era n'asasulira ekibi kyange naawe ku musaalaba. Ebbanja lisasulibwa omulundi gumu. Ekyo bwe kiggwa liba telikyaliwo.

## Kiki kye tuba tukola?

*" Kale mazima bamanye ennyumba yonna eya Isiraeri nti Katonda yamufuula Mukama era Kristo, Yesu oyo gwe mwakomerera. Awo bwe baawulira ebyo emitima gyabwe ne gibaluma, ne bagamba Peetero n'abatume abalala nti Abasajja ab'oluganda, tunaakola tutya? Peetero n'abagamba nti* ***Mwenenye, mubatizibwe buli muntu mu mmwe okuyingira mu linnya lya Yesu Kristo*** *okugyibwako ebibi byammwe , bwe munaweebwa ekirabo gwe Mwoyo Omutukuvu."* (Ebikolwa by'abatume 2:36-38 NKJV)

Ekibi kyange kyonna kitekebwa kitya ku Yesu Kristo? Okuyita mu kwenenya n'okubatizibwa. Mu bayibuli "okwenenya" kitegeeza " okukyusa endowooza". Nkyusa endowooza n'ebikolwa byange. Okwenenya kulabikira mu kusalawo kwaffe okutandika obuppya. Tutandika okwesiga Yesu n'ekigambo kya Katonda era ne tweyongerera ddala. Okusalawo kuno tukwatulira mu ssaala.

## Essaala ey'okwenenya

Osabibwa okusaba nga oyatula!

**Essaala**

**"Kitaffe mu ggulu, kineeyolese bulungi nti nfuze obulamu bwange era ne nkweyawulako. Nkwegayirira okunsonyiwa kino. Mukama Yesu, Nkusaba otwale ebyama eby'obulamu bwange era onfuule ekyo ky'oyagala mbeere."**

[5] Dr. W. Bright, Enkola esimbuzibwa: Engeri gy'osobola okufuna okwagala n'okusonyiwa kwa Katonda (Neuhausen, 1971) p. 9. Kyaggwaawo mu kyapa. Osobola okukisoma ku mutimbagano mu lugyamani, olungereza n'olulasya ku www.missionsbrief.de – Nachfolge – Jüngerschaft – Mitteilbare Konzepte

[6] Mu *bbaluwa eri Andrew No. 3* – Omulamwa gwa Bayibuli omukulu gwe guliwa? Amakulu g'okukkiriza okusinziira mu Bayibuli gannyonyolebwa ku p. 6

Okusalawo kuno kusobola okugerageranyizibwa ku kuteekebwako empeta. Ekiseera kino kibeera kya njawulo nnyo. Abaagalana beyongera okwetegeera obulungi era ne beeyongera okwesigaŋŋana n'okwagalana.

Era buli omu ayanjulirwa abeŋŋanda za munne. Kyekimu ne Yesu. Tweyongera okumumanya okuyita mu kusoma ekigambo kye, okwogera naye (mu ssaala), okumalako obudde naye (okumusinza, okusoma Bayibuli, okukuŋŋaana mu kkanisa) n'okuwulira ebimukwatako okuva mu balala bye bafunye. Amasomo ag'okuwanyisiganya okwa Bayibuli [7] oba okusomera Bayibuli mu bibiina ebibudabuda biyamba nnyo. Mu ngeri eno tweyongera okumumanya ye n'ekigambo kye. Okukkiriza kwaffe bwe kukula era nga twagala enkolagana ey'olubeerera ne Yesu, ekitegeeza nti twagala tubeere babe, awo kino kiragibwa okuyita mu kabonero akadibwako n'okwenenya okw'okubatizibwa nga bayibuli bwegamba. Kino tusobola okukigerageranya ku mbaga. Toyagala kwekwasa eri okwagala, amagezi n'amaanyi ga Yesu? [8]

Fenna tusobola okusonyiyibwa okuyita mi Yesu Mukama waffe era omununuzi waffe. Ebyonoo tebimala gavaawo. Yesu ye yekka, asobola okubitugyako.

[7] Waliwo emisomo gya Bayibuli mingi. Egitali gya kusasulira. Osobola okugyenyigiramu ku mitimbagano oba mu kuweerezeganya obubaka ku mitimbagano. Amatendekero g'emisomo n'agasomesa Bayibuli Gasobola okusangibwa wansi wa "Okulagirira".

[8] Kisoboka kitya Yesu okufuuka Mukama wo era omununuzi wo, binyonnyoleddwa mu bujjuvu okuva mu miramwa egyenjawulo egiri mu *bbaluwa eri Andrew No. 3* "Omulamwa gwa Bayibuli omukulu gwe guliwa?" ne No. 13 "Nyweza obulamu – okuyita mu nkolagana ne Katonda ey'obuntu".

## Okwejjusa kye ki ?

Tusobola okusaba Katonda okutuwa okwejjusa – okunakuwala okw'obwaKatonda – okw'ebibi byaffe. *"Kubanga okunakuwala eri Katonda kuleeta okwenenya okw'obulokozi okutejjusibwa. Naye okunakuwala okw'omunsi kuleeta okufa."* (2 Abakkolinso 7:10 NKJV)

Katonda ajja kutuwa okumanya okw'ebibi byaffe. Okumanya kuno okw'obulumi kutujjira era ne tuleka Katonda okututwala mu kukyusibwa okutuufu. Okwejjusa buba bulumi n'okwejjusa ebikolwa byange ebikyamu. Twetonda olw'okuba nti awo tuba tulumizza Mukama. Era kirina akakwate n'okusalawo okuliwa n'ekigendererwa eky'obutaddamu nate nga oyambibwako Katonda.

## Okuwanyisa okusinga

Bwe tukkiriza Yesu nga Mukama era omulokozi waffe, tuba tulaga obwesige bwaffe mu ye. Ng'ebikivaamu, Okuwanyisa okisinga kugoberera. Atwala ebyonoono byaffe okuva mu bulamu bwaffe bwonna n'atuwa obutuukirivu bwe (obugolokofu, obuwulize, n'obulamu bwe omutali kibi). Kino kye kirabo omuntu kyayinza oba kyalina okusasulira. Yesu okubeera nga yaffa nga talina musango gw'akoze ku lw'ebyonoono byaffe, kye kiraga okwagala okusinga. Buli abeera mu nkolagana enyinyitivu ne Yesu, ajja kugyibwako ebyonoono bye. Wadde nga kino kyamuwendo nnyo, kiri kimu kw'ebyo Yesu by'ategeeza gyetuli. Yagamba: *"Nze najja zibe n'obulamu, era zibe nabwo mu bungi."* (Yokaana 10:10b NKJV) Mbeera n'obulamu obugwanidde wano n'obulamu obutaggwaawo nga ndi naye.

## Okwenenya n'okusaba ekisonyiwo

Olw'okuba wakyaliwo ebibuuzo bingi, tujja kuddira Dawudi. Yasaba: *"Bwe nasirikanga, amagumba gange gakaddiwanga, Olw'okukaaba kwange obudde okuziba. Kubanga emisana n'ekiro omukono gwo gwanzitoowereranga; amazzi gange ne gakaliranga ng'olw'omusansa ogw'ekyeyaa."*(Zabbuli 32:3-4 NKJV)

Okwonoona kumenya era kusobola okutulwaza. Ekintu bwekiba kikuzitoowerera, toyongera kulinda. Lwaki weyongera okwetikka olubengo olutetaagisa? Yesu akwagala era alindiridde okukuyamba. Katonda yagamba:
*"'Ebibi byammwe ne bwebiba ng'olugoye olumyufu, binaaba byeru ng'omuzira;: ne bwebitwakaala ng'ebendera, binaaba ng'ebyoya by'endiga."* (Isaaya 1:18 NKJV)

Dawudi yakola okusalawo okutuufu. "Nakkiriza ebibi byange gy'oli era sikwese byonoono byange.

N'agamba, *"Ne nkwatulira ekibi kyange, n'obutali butuukirivu bwange ne sibikukweka, naawe n'onsonyiwa obutali butuukirivu obw'ekibi kyange."* (Zabbuli 32:5 NKJV)

Dawudi yafuffuggaza okwenenya. Kiki ekyamuviirako okukikkiriza oluvvanyuma? Nabbi Nassali yamukyalira n'amulaga ekyonoono kye ngayitira mu lugero lwe yamunyumiza (2 Samwiri. 12). Kino kyaviirako Dawudi okukkiriza obuvunaanyizibwa bw'ebikolwa bye. Okubeera abaamazima amereere mu ffe kireeta okw'enenya okw'amazima. Ebibi byafee tubyatula n'amanya gabyo.
Gye nkoma okukkiriza n'okwenenya ebibi byange, gye nkoma okufuna okusumululwa ku lubengo lw'ebyonoono.

Okusaba kwaffe okw'ekisonyiwo n'okusumululwa okuva mu kwonoona kukwatagana butereevu n'okwenenya. Nga etteeka eryawamu , Okusonyiwa kwa Katonda oba okusonyiyibwa okuva mu bantu bannaffe engeri yokka gye kusobola okuweebwa, luvvanyumma lwa kukusaba. Emirundi egisinga, ebigambo ebyanguwa nga " nsonyiwa" bimala okuzaawo enkolagana ebadde ekutuddwa.

Engeri yokka okusaba kwange gye kusobola okubeera okw'amazima, bwe butakuteekako kakwakkulizo era nga ndi mwetegefu okwetikka obuvunanyizibwa bw'ebiva mu bikolwa byange. Era twewala okwekwasa abalala, ne bwebaba balinako ekibanenyebwako. Okwenenya okutaliimu kusonga lugalo kutera okutanula omuntu omulala naye okwenenya.

Dawudi oluvvanyuma bwe yamala okwetegeka okwenenya ebibi bye eri Katonda, amangu ago yasonyiyibwa mu bujjuvu ekyonoono kye. Ekyo tekikkirizika! Tulina Katonda ow'ebyewuunyo. Katonda kwagala. Ayagala okutuwa obulamu obutugwaninne obujjudde essanyu era obweyagaza. Ayagala okutambula naffe nga mukwano gwaffe. Antwala mutendera ku mutendera ku kubo erisinga mu bulamu bwange era n'ampa amaanyi agetaagisa.

Dawudi yafuna ekisonyiwo oluvvanyuma lw'okwenenya. Bwatyo obubeezi ne Katonda – enkolagana yabwe ey'obwesigwa, gye yalina mu kusooka, yaddizibwawo. Yesu Kristu yatwala ekyonoono kya Dawudi. Bino nga tebinabaawo, Dawudi yali mu bulamu obw'obukkiriza obulungi era yafuna bingi ne Katonda. Naye ebintu bwe byatambula obulungi okumala ebbanga eddene, yafuuka wa kibuguumirize, era ekibi kye ekitateeberezeka kyatuukawo. Naye Katonda teyamuta ne Dawudi n'anywerera ku Katonda. Bwatyo, yalina Katonda, oyo eyagyawo ekyonoono kye, bwe yakyenenya. Okuweebwa ekisonyiwo kituwa essanyu ne kitunyweza nate

## Buli kibi ekikolebwa kiba kibi eri Katonda

Dawudi yayenda era n'atta. Bwe yeenenya ekibi kye, yasaba: *"Ggwe, ggwe wekka, ggwe nnayonoona. Ne nkola ekibi mu maaso go."* (Zabbuli 51:4 NKJV)

Kino tukitegeera tutya, kuba yasobya Bathsheba ne Yuriya? Buli kibi ekikolebwa eri omuntu era kibeera kibi ekikoleddwa eri Katonda, kubanga tuba tutyobodde amateeka ge. Lwaki ekirowoozo kino kikulu? Dawudi yali takyayinza kusaba Uriah okumusonyiwa. Yali yafa. Naye yali asobola okusaba Katonda okumusonyiwa era n'akuweebwa. Ekilowoozo kino kikulu, kubanga nsobola okusonyiyibwa, omuntu gwe kikwatako – gwenasobya – nga takyaliwo oba nga yafa oba nga si mwetegefu kunsonyiwa. Mu mbeera bweti, tusonyiyibwa okuyita mu kisa kya Katonda , kuba ebibi byaffe bizzibwa ku Katonda.

## Ebibi byange mbyenenyeze ani ?

Buli kibi kyenenyezebwa wa Katonda, kubanga mu buli kibi wabaawo etteeka lya Katonda erimenyeddwa. Ebibi, ebyo ebikolebwa ku Katonda ( n'ebirowoozo ebibi eri abantu abalala), birina kwenenyezebwa wa Katonda yekka. Bwe wabaawo omuntu omu oba abasingawo abasobezeddwa, okubenenyeza kyetaagisa. Ekibi kitereezebwa wakati w'abo be kikwatako bokka so ssi walala.

## Okutereeza

Bwekiba nti okutereeza okw'ebintu ebikwatibwako kwetaagisa, tubeere bagabi, kubanga omuntu oyo teyafuna busobozi bukozesa bintu bye okumala ekiseera.

*"Nate bwe ŋŋamba omubi nti tolirema kufa, bw'anaakyukanga okuleka okwonoona kwe n'akola ebyo ebyalagirwa eby'ensonga; omubi bw'azangayo omusingo, n'akomyawo ekyo kye yanyaga, n'atambulira mu mateeka ag'obulamu, nga taliiko butali butuukirivu bw'akola, talirema kuba mulamu, talifa."* (Ezekyeri 33:14-16 NKJV)

## Okukyusa obulamu bwo n'ebikivaamu

Yesu atuyamba okukyusa n'okutereeza obulamu bwaffe. Ekisooka, neenenyanga ebibi byange eri Katonda. Bwe nabanga nkyetaaga okubaako ekintu kye neenenyeza omuntu omulala, awo nasabanga Katonda abeere mu ndowooza ye. Ekyo yakikolanga. Tewali yali anyanukudde mu bubi. Kumpi ku buli mulundi, tetwakomanga mu kuzaawo nkolagana kyokka, naye yeeyongeranga okubeera ey'amaanyi. Okwenenya newankubadde kwa bulumi, kuyamba nnyo obutaddamu nate okukola ensobi yemu.

Tusobola okusaba obuyambi bwa Katonda mu kukyusa obulamu bwaffe. Abantu bafunye ebintu ebinene bingi. Katonda atera okuyamba, naye si buli kiseera. Bw'alaba ekisingako eri oyo omwonoonyi, amuleka n'ayambalagana n'ebikivaamu. Jim Vaus yali yenyigira mu bufere. Ebyakivaamu, omusajja ono omukuuma ddembe owa Poliisi yasibwa mu kkomera. Jim Vaus bwe yalokoka, yeenenya ebibi bye byonna okuva ku ntobo y'omutima gwe, ng'omwo mwotwalidde n'obufere. Yategeeza Kooti mu buwandiike era n'amawulire n'agawako kkopi, abantu basobole okumusonyiwa.

Newankubadde mu nsi ezisinga ekibonerezo ky'obufere kubeeera kusibwa, yejeerezebwa kooti yaddenga yali yaguzza. Abalamuzi baagamba: omusajja ono afunye enkyukakyuka ey'omuggundu mu bulamu bwe. Singa tuba bakumuweereza mu kkomera, ayinza okuddamu okufuuka omumenyi w'amateeka. Tumwejeereza newankubadde nga gumusinga. Katonda asobola okukola eby'amagero nga bino. Naye tekimukakatako. Kikulu okubeera omwetegefu okwaŋŋanga ebisobola okuddirira. Omusajja ono bye yafuna bikutte nnyo ku bulamu bwange.[9] Tusobola n'okusabira ebiddirira nga tukozesa ekisuubizo kino: *"Omutima gwa Kabaka guli mu* ***mukono gwa Mukama*** *ng'emigga; agukyusa gy'ayagala yonna."* (Engero 21:1 NKJV) Era tusobola okusaba:

## Essala ekwata ku biyinza okuddirira

Osabibwa okusaba ng'oyatula!

> **Essaala**
>
> "Kitaffe mu ggulu, embeera yange n'ebyo ebindimu maaso obimanyi. Nkusaba ontemere empenda, eyo ekuweesa ekitiibwa era ennyamba, kubanga osobola okukyusa emitima ng'emigga egy'amazzi.**(Engero 21:1). Nkwebaza. Amiina."**

[9] Jim Vaus, *Kitange yali mubandar: Emboozi ya Jim Vaus.* (Brockhaus-Taschenbuch Nr. 59)

Abaana ba Katonda – abantu, abo abakkiriza Yesu Kristo ng'omulokozi era omununuzi wabwe – n'abo abanaamukkiriza, basobola okuzuula ekisuubizo ekikulu mu 1 Yokaana 1:9 NKJV:

*"Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era mutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe,n'okutunazaako byonna ebitali bya butukuvu."*

Katonda kiki ky'atusuubiza wano? Okusonyiyibwa ebibi byaffe, ebyo byetwenenya n'okujjawo okulumirizibwa kwaffe kwonna okw'ekibi. Bwe neenenya ebibi byentegedde oba Katonda by'andaze, Katonda anongoosaamu okwonoona kwonna. Okusinziiranga bwe ndaba, Katonda tatulaga bibi byaffe byonna. Byandituyitiriddeko. Atulaga ebyo byokka, ebikulu gyetuli; okujjako bwe kiba nga kikulu eri omuntu omulala. Bwe nazuula kino, kyantikkula omugugu. Mu kiseera kye kimu, okulongoosa kiyitawo ku kwenenya. eky'okulabirako: Omwana bw'ajeema ne yevuluga mu kidiba ekikyafu, yetaaga ekisonyiwo okuva mu bazadde be n'engoye ze okulongoosebwa. Kino kitegeeza: Ekibi kyaffe kisonyiddwa netulongoosebwa okkuva mu bukyamu bw'akyo. Tetukoma ku kusaba kusonyiyibwa kyokka, naye n'okusaba okulongoosebwa n'okusumululwa.

Okusonyibwa kw'ebibi n'okulongoosebwa omwoyo bwetaagisa okusobola okufuna obulamu obujjuvu era obubala ebibala, obwo Yesu bw'atuyitira. Essanyu, eby'obulamu n'obulamu obutaggwaawo biri ku kufuna okusonyiyibwa n'okulongoosebwa. Dawudi bwe yamala okwenenya yagamba: *"Naawe n'onsonyiwa obutali butuukirivu bw'ekibi kyange."* (Zabbuli 32:5 NKJV) Tukiraba nti yali mumativu nti Katonda yali amusonyiye Tukiraba nti yali mumativu nti Katonda yali amusonyiye era n'akkiriza ekisonyiwo kye. Kino kikulu nti bwetumala okwenenya tetugwa mu kubuusabuusa era netubeerawo nga tetulina

mugugu guno. Mirundi emekye gye tulina okwenenya ekibi ky'ekimu ekyo? Omulundi gumu gwokka. Okugyako nga tukizudde oluvvanyuma nti okwenenya kwaffe kwali tekujudde. Bwe twenenya, okwonoona kwaffe kuvaawo. Katonda akitadde ku Yesu, omununuzi waffe. Kino kimwebalize. Naye watya nga okuwulira okulumirizibwa ekibi kusigaddewo? Awo, tulina okugenda mu maaso nga twebaza Katonda olw'okutusonyiwa paka nga kuvuddewo.

## Lwaki abakkiriza abangi tebafuna ssanyu, ebibala n'obuwanguzi?

Ensonga esooka esobola okuba nti tebaneewerayo ddala eri Yesu.[10]
Nabwekityo, tebalina asobola kutwala bibi byabwe. Ey'okubiri, esobola okubeeera ekikyaamu ekitadaabirizibwa. Ntegeeza ki? Singa wabeerawo akuuma ku luguudo lw'egaali y'omukka ey'abaana ey'okuzannyisa, tesobola kutambula, yadde nga omuliro gwelina gugimala bulungi. Ekyo ky'ekikolebwa ekibi, kye tumanyi, kye tutamanyi, oba kye tugonjodde n'omuntu omulala. Mu mbeera eno, tetufuna kusonyiyibwa oba okubeera mu maanyi ga Katonda.

Nkyajjukira bwe kyali nga nkyakola ng'omukwasaganya w'obubaka mu ttabi lya ofiisi y'ebyentambula mu Frankfurt am Main era bwe nalimba Kasitoma. Yali omu ku ba kasitoma baffe abasinga obunene. Waaliwo ekitaatereera, naye nga twali tetusobola kukitereeza oluvvanyuma. Kino kasitoma teyakifunamu buzibu. Olw'eggulo olwaddako, namukyalirako era nemusaba ansonyiwe, nali mulimbye.

Yagamba: "Buli kimu kye wayogedde kyawulikise nga ky'amakulu. Naye mu nze nawulidde nga waliwo ekitali kituufu. Kati, buli kimu kiri bulungi." Okuva ku lunaku olwo, kasitoma ono yannesigira ddala. Tewali kuvuganya kwonna kwali kuyinza kukijjawo. Kino kyali kya kuyiga gyendi.

Bw'oba olina ekyonoono mu bulamu bwo, funa obuvumu otambule, era nga okukolerawo kwe kusingako.
Empenda, eyo etwala akaseera akatono, esobola okuba nga ya bulumi. Naye oluvvanyuma ofuna essanyu n'emiganyulo egitagambika. Nkwagaliza essanyu n'obulamu obw'obuwanguzi ne Yesu Kristo

Bw'oba oyagala okukozesa obuyambi bwa Katonda okwegyako ekyonoono kyo, osobola okwatula bw'oti.

## Essaala

Ekitundu ekisooka ky'oyo atannafuuka mukkiriza. Osabibwa okusaba ng'oyatula.

Essaala

**"Katonda ow'amaanyi, Simanyi oba gy'oli. Naye, bwobanga gyoli, yanukula essaala yange nsobole okutegeera nti gy'oli era onfaako. Nkwebaza. Amiina."**

Sirina bigambo nti kozesa bino, wabula okubitegeeza n'okwagala ekyo kye tusabira.

[10] Laba *ebbaluwa eri Andrew No. 14* LObulamumumaanyi ga Katonda – butya ? laba omukko ku "Abantu ab'omubiri".

**“Kitaffe mu ggulu, Nkwebaza nti nsobola okuddukira gy'oli n'ekizibu kyange. Ebibi byange n'okulumirizibwa okwonoona binzitooweredde. Nkusaba onsonyiwe okulemererwa kwange (Ebibi byange) era mu kiseera kyekimu nkusaba onsumulule ku kulumirizibwa kwange okw'ekibi. Nkwegayiridde ompe obuvumu n'amaanyi okukola okwenenenya okw'amazima. Ekigambo kyo kigamba: “Nyinzizza byonna mu oyo ampa amaanyi.” (Abafripi 4:13 NKJV) kati nkozesa obuyambi bwo okwenenya nti (Yogera ekibi). Nsonyiwa olw'okuba gunsinga gy'oli (era bwe kiba kikola okukulumba ). Ndi musanyufu nti onsonyiye ekibi kino, kubanga kati nkyenyezza gy'oli. Ekigambo kisuubiza: “Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu.” (1 Yokaana 1:9 NKJV) Ekigambo kyo era kigamba: “Era buno bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala, atuwulira: era bwe tumanya ng'atuwulira buli kye tusaba tumanyi nga tulina ebyo bye tumusabye.” (1 Yokaana 5:14-15 NKJV) Nkwebaza kati kuba omaze okunsonyiwa. Nkwebaza nti okusinziira ku kigambo kyo manyi nti mpereddwa ekisonyiwo n'okulongosebwa. Nkwegayirira, onzigyemu okwagala okwonoona mu biseera ebijja. Ntwala ekisuubizo kyo: “Kale omwana bw'alibafuula ab'eddembe, muliba ba ddembe ddala.” (Yokaana 8:36 NKJV) Nkwebaza olwokuba owangudde obunafu bwange era ompadde amaanyi ag'obwaKatonda okuwangula. Nkutendereza era nkwebaza olw'obuyambi bwo obw'ekisa. Amiina.”**

Essaala

Okuliyirira bwe kuba kwetaagisa, tusobola okwongerako bino mu ssaala yaffe:

**Nkusaba onyambe okusobola okuliyirira mu ngeri ematiza, ebyo bye nayonoona. Nkwegayirira okwate ku mutima gwa _______________ (erinnya ly'oyo omuntu), Asobole okukkiriza kawefube gwendiko. Nkwebaza olw'obuyambi bwo. Amiina.**

Essaala

Tulina Katonda ow'ebyewuunyo. Tusobola okumwebaza olw'obuyambi bwe bwonna ne tumwesiga atukulembere.

Mu ssaala zino, tukozesezza ebisuubizo bye okuva mu Bayibuli. Ebisuubizo bya Katonda bya bantu bonna, ababeera mu Yesu ng'omulokozi wabwe era omununuzi. Naye, okuva mu bye nfunye, Katonda waffe ow'amaanyi ayanukudde essaala z'abantu abatannafuna nkolagana eno naye. Bw'atyo mazima ayagala okulaga abantu be bamanye okwagala kwe.
Nsubira nti ofunye okwagala n'okusonyiwa kwa Katonda oba nti ogenda kukufuna.
N'okulamusa okw'essanyu

*Helmut*